
# Eyatta omuyizi bamusindise Luzira

Bya WASSWA B. SSENTONGO

OMULAMUZI wa kkooti esookerwako e Matugga mu divizoni y'e Gombe mu Munisipaali y'e Nansana, asindise Herbert Lumu Musaasizi 41, mu kkomera e Luzira ku by'okukuba omuyizi Martin Bukenya n'amutta.



Lumu ku mpingu. Mu katono ye mugenzi Martin Bukenya.

Kigambibwa nti, bino byaliwo ku lunaku lwa Valentayini nga February 14, 2026, Musaasizi bwe yasanga Bukenya awaka ng'atwalidde muwala we akamuli n'amukuba okutuusa bwe yafa. Oluvannyuma yaddukira e Gulu era eno poliisi gye yamusanga n'akwatibwa.

Omugenzi Bukenya nga yali asoma S.6 ku Hill Side SSS e Matugga era nga n'omuwala gye yali asomera. Ku Lwokutaano, Musaasizi yasimbiddwa mu maaso g'Omulamuzi Esther Nahiirya ne bamusomera omusango gw'okutta omuntu wabula teyakkiriziddwa kubaako ky'ayogera kubanga omusango gwa nnaggomola oguwulirwa Kkooti Enkulu.

Omulamuzi yalagidde atwalibwe e Luzira okutuusa nga March 25, 2026 lwe banaamukomyawo okumanya okunoonyereza ku musango guno we kutuuse.